| Essomo 2 | الدرس الثاني |
|---|---|

Nemwebyo ebiziyizibwa eli abasajja okwambala, kwekwambala engoye ezisukka obukongovule, nga bwekili muhadith eyawandiikwa imam bukhu egamba nti.

Agamba nti Abi hurairat nti: yagamba omubaka wa allah swalla Llaahu alaihi wasallama nti buli kyonna ekika wansi wobukongovule mungoye nanyinizo wamumwiro

Mukinonno twaziyizibwa okuwanvuya engoye gamba ekanzu oba empale oba enkutu nendala tetukkirizibwa kusisussa bukongovule kukka wansi wabwo, songa kino tekili kwoyo yekka akikola olwakabandabe bampane yekka wabula kibuna buli akilo.

Sogna ate oyo akikola olwakabandabe bampane ate yye ekibonelezokye kinene okusinga awo, nga bwekyajja muhadith eyawandikwa imam bukhar ne muslim egamba nti:

Agamba Ibun umar nti omubaka wa allah swalla Llaahu alaihi wasallama yagamba nti: omuntu yenna akweyesa engoyeze olwa kabandabe bampane tegenda alla kumutunwako olunako lwenkomelero.

Wabula yye omukyala ye ateekwa okuwanvuya engoyeze okutuusa lwabeela nga ebigelebbye nabyo bibikkidwa bulungi.

Era tateekwa kwambala lugoye  awo olutasobola kubikka bwelelelbwe, oba olufunda enyo olwaga ebiyungobye byonna webiyitila abeere musajja oba mukyala

Era takkirizibwa omukkiriza omusajja okwambala engoye ezifanana ezabakyala. Era nomukyala okwambala engoye ezifanana ezabasajja, nga bwekyajja muhadith eyawandikwa Imam bukhar egamba nti.

Agamba ibun Abbas nti: yakolimila omubaka wa allah swalla Llaahu alaihi wasallama abasajja abefananyiliza abakyala, era nabakyala abefanyiliza abasajja.

Era takkirizibwa omukkiriza okwefananyiliza abakfiiri munyambala omusilamu tateekwa kwambala ngoye zamanyi obulungi nti zeyawulidde bakafiiri bebazambala, nga bwekili muhadith nti zeyawulidde bakafiiri bebazambala, nga bwekili muhadith eyawandikwa Imaam musilim egamba nti:

Agamba Abdullah bun amuru bun Li aswo nti: yalaba gyendi omubaka wa allah swalla Llaahu alaihi wasallama engoye bbili nga zakyenvu nagamba nti mazima zino ngoye zabakafiiri tozambala.